**05th April 2015.**

# BULI AKKIRIZA MU YESU KRISTO ABA N'OBULAMU OBUTTAGGWAAWO.

**Yokaana 3:11 – 21.**

Essira, ly'ennyiriri zino liva ku kwogeraganya Yesu kwe yalina ne Nikodemo, gwe yali abuuzizza bw'ayinza okuba omuyigiriza wa Isirayiri, kyokka n'atamanya ebyo bye yali amunnyonnyola, kubanga nga bwagamba mu lnny.11 obutamanya bwe bwaali businziira mu butakkiriza bwe.( Wadde oluvannyuma yakkiriza).
Era na bwekityo Yesu agenda mu maaso okubuulirira abaali bamuwuliriza ku butuufu bw'amakulu g'okulokolebwa era " Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri", nga bwe twaalaba omulundi oguwedde, ng'akkikkaatiriza ku kukkiriza, kubanga emirundi musanvu okukkiriza kukozesebwa mu nnyiriri zino ekkuminolumu.

Kati ng'ennyiriri ezisooka bwe zaali z'ekulungulira ku buvunaanyizibwa bw'Obwakatonda eri okulokolebwa, zino zo z'ekulungulira ku buvunaanyizibwa bw'abantu eri omulimu gwa Mukama mu kulokolebwa. Mwe tulabira;
Ekizibu ky'obutakkiriza. nny.11 ne 12.
Eky'okuddamu eri obutakkiriza. 13 – 17.
N'ebiva mu butakkiriza. 18 – 21.
Era mu zzo mwe muli olunnyiriri olukyasinze okumanyibwa mu baibuli… 16, ekitulaga ng'essira lya baibuli yonna bwe liri ku Mukama ttuwa kyakuddamu eri obutakkiriza obuleetera ekibi okuzikiriza obutonde bwe bwonna!
Nga mu kkyo mwe tugyaguliza amafa n'amazuukira ga Yesu Kristo, ng'omulokozi era Mukama waffe.
*[Tusome nny. 11 – 21.]*

Okusooka Yesu alangira Nikodemu ne banne, nti obutamanya bw'abwe tebwaasinziira mu butategeera bisomesebwa mu ndagaano enkadde kyokka wabula n'obutakkiriza bujulirwa bwabwe.
Yokaana Omubatiza yali abagambye kki Yesu kye yali, n'obubonero Yesu bwe yali akoze mu biro by'embaga bwaali bukiraga, naye ate bbo bayagala kkoma ku ku mukkiririzaamu "ng'omuyigiriza ava eri Katonda", so ssi Masiya!

Yesu amukakasa nga bwe guli nti ye yekka agenda okubawa era okuba okubikkulirwa okutuufu gyebali kw'okulokolebwa kwaabwe, nga bwe gwaali mu ddungu eri Isirayiri, Musa bwe yalagirwa Mukama okuwanika ekyole ky'omusota ku muti, okubaleetera okuwonyezebwa baleme kufa, mu Kubala 21: 4 – 9.

Eky'okuddamu eri obutakkiriza kyayanukulwa Mukama mu kwagala kwe okungi, mwe yaweeramu Yesu Kristo okubeera omutango gw'ekibi ekyaleetwa omusota, ottuzikiriza.

Era mu bufunze kyalimu era kilimu emitendero ena egigwaanidde okwetegerezebwa.

1. Olw'ekibi fenna twaali mu kikolimo ky'okuffa, okutuusa Yesu Kristo bwe yafuuka ekikolimo ku lwaffe (Teyakolimirwa kulwaffe kyokka naye yafuuka ekikolimo tubeere balamu ku lulwe). Baruumi 3:10.[…Tewali mutuukirivu n'omu..] Baruumi 6:23[Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaavo mu Kristo Yesu Mukama waffe. ]
2. Era nga bwe kyogeddwa waggulu, bwe gwaali ne mu ddungu, nti Mukama mu kisa kye ekingi Ye yawa obuwi ng'ekirabo eddagala erileeta okuwonyezebwa ekibi(Ekyewuunyisa nti n'akabonero k'obusawo gwe musota oguwanikibbwa ku muti). Ekiyinza okutwaalibwa ng'ekitaliimu, naye ate nga kyemalirira bulungi ate mu bwangu bwakyo ssi kizibu.[ Tunula – owonyezebwe, Kkiriza – olokolebwe. 1 Kkol. 1:18[Kubanga ekigambo eky'omusaalaba bwe busirusiru eri abo ababula; naye eri ffe abalokebwa ge maanyi ga Katonda.]

   N'olw'ekyo ekitiibwa n'okusiima byonna bya Mukama olw'okulokolebwa, Abaefeso 2:8[kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda:] Tewali ngeri Musa gye yandiyiiyizza nti okuwanika omusota okukolebbwa mu kikomo kinaaleetera okuwonyezebwa, era eyagaana oggutunuulira, baazingangako buzinzi, nga gumwesingidde…Na buli aligaana okukkiririza mu Yesu Kristo, gulimusingira ku bubwe nga bwe tubuulirwa Yesu mu lnny. 17 – 19.
3. Ekirala kwe kuba nti kyaali kimugwaanira ng'olunnyiriri 14 bwe lugamba, (An absolute necessity).

Yok.8:28[Awo Yesu n'agamba nti Bwe mulimala okuwanika Omwana w'omuutu ne mulyoka mutegeera nga nze wuuyo, so nze siriiko kye nkola ku bwange, naye nga Kitange bwe yanjigiriza, bwe njogera bwe ntyo.]

Yok. 12:32 [Nange bwe ndiwanikibwa ku nsi ndiwalulira gye ndi bonna.] Wadde yalaba obuzibu bw'akyo nga bwe tunyumizibwa ku byaliwo mu lusuku lwe Gesusamene yewaayo kubanga kyaali kimugwaanira. Ate n'okuyimusibwa ne kuba n'entegeeza za mirundi ebiri, ogw'okumusaalaba, n'ogw'okugulumizibwa oluvannyuma lw'okuzuukira, nti mu byombi mwe muli ekinyusi ky'okulokolebwa kwaffe.

4. Ekirala ekikulu kwe kuba nti okutunuulira Yesu tekwaali kwa kufuuka kusinza kwa bifaananyi, ng'era n'Abayisirayiri bwe baali bakola emyaka 700, okuva ku kyakolebwa Musa, Kabaka Hezekiya n'asaanyaawo ekyole, kubanga baali batandise okkisinza, lwakuba Musa ye yali akikoze. Nga bwe guli leero nti abamu tulowooza nti Yesu akyaali ku musaalaba…. Ate nga amakulu gaali nti kyaali kabonero gyebali nti ekisuubizo kya Mukama kyalina okukkiririzibwaamu, era mu musaalaba gwa Yesu kyatuukirizibwa, so ssi nti mu musaalaba mwe muli okuwonyezezebwa, tugutwaale nga yirizzi mwe tujja okulokolebwa. Ssi bwe guli.

Nga tumaliriza, kitugwaanidde okumanya ne tutegeera nti obulamu obutaggwaawo, ssi bwe bulamu obutaliiko kikomo, wabula obulamu obujjuvu obutaliimu kibi, obuli ne Mukama, kubanga ekibi kye kitwaawukanya ne Mukama Katonda waffe ate nga Zabbuli 16:11 bwe lugamba nti "Gy'oli waliwo essanyu erituukirira; Mu mukono gwo ogwa ddyo mwe muli ebisanyusa emirembe n'emirembe." Era ne yesu bwe yagamba mu Yok. 17:3 nti "Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo."

N'olw'ekyo, tetugenda kuba na makulu ga Pasika gasinga ago, nti " Yeebazibwe Katonda era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuzaala omulundi ogw'okubiri, ng'okusaasira kwe okungi bwe kuli, tubeerenga n'essuubi eddamu, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bafu, tuyingire mu busika obutaggwaawo, obutalina kko, obutawotoka, obwatuterekerwa ffe mu ggulu, amaanyi ga Katonda be gakuuma olw'okukkiriza okufuna obulokozi obweteeseteese okubikkulibwa mu biro eby'enkomerero.